REVISED LESSON NOTES

FOR P.1

LUGANDA

TERM III

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Olugero : Linda kiggweyo…..afumita mukira

Omutwe : Ennyingo

Ekiwayi : Ennyingo z'ennyukuta esatu

Ebigendererwa : Abayizi basubirwa okusoma ennyingo "mb" ne bigambo .

Okukodyo : Ennyingo "mb"

Ekinyusi : Ennyingo "mb"

Mba mbe mbi mbo mbu

Ebigambo

- entambula
- embaga
- embogo
- embizi
- embazzi
- enkumbi
- embalu

Emboozi

1. Eno mbazzi
2. Embuzi erya omuddo
3. Ku Namunyi tulina embaga.

Omulimu

1. Saza kunnyingo ya "mb" mu bigambo bino
   Embizi , embalu, enkumbi, embogo.
2. Kola emboozi okuva mubigambo bino.

- Embazzi_____
- Enkumbi _____
- Embizi _____
- Embuzi _____
-

Enaku z’omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw’a bayizi	Essomo

Omutwe : Entambula yaffe.

Ekiwayi : Ebika by’entambula

Ebigendererwa : Okumanya entambula yaffe

Okukodyo : Okutegeera ebika by’entambula

Ekinyusi : ebika byentambula

- ey’okuluguudo
- ey’omubbanga
- ey’okumazzi
- n’eyokuleerwe

omulimu

1. Wandiika ebika by’entambula bina.

……..

……..

……..

……..

2. Wuliriza owandiike

……..

……...

……

……

……

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Ennyingo : ba be bi bo bu

Omutwe : Entambula yaffe.

Ekiwayi : Ebika by'entambula

Ebigendererwa : Okumanya entambula yaffe

Okukodyo : Okutegeera ebika by'entambula

Ekinyusi : Emboozi

Ebika byentambula(Entabula)

Mukasa asomera ku Cornersatone Junior School.

Abeera Nasuuti okumpi ne Mukono ttawuni. Kojja we yamugulira eggaali gyakozesa okugenda ku somero lwali lumu, eggaali ya Mukasa yayabika omupiira, yagitwala ewa makanika agityereezw omupiira yagitereeza bulungi era Mukasa nasanyuka.

Ebibuuzo.

1. Wandiika omutwe gw'emboozi.
2. Mukasa abeera wa?
3. Mukasa asomera wa?
4. Mukasa akozesa _____ okugenda ku ssomero.
5. Kuba Mukasa nga avuga eggaali.



Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo





Omutwe : Entambula yaffe

Ekiwayi : Ebikozesebwa muntambula ezenjawulo

Ebigendererwa : Okumanya ebintu ebokozesebwa muntambula ez'enjawulo

Okukodyo : Okukuba ebifaananyi

Ekinyusi : Entambula y'okuluguudo

Emmotoka 	Ppiki ppiki 
Loole 	Endogoyi 
Eggali 	Baasi 
Embalaasi	Engamiya

Ennyingo 'nk'

enku enkuba nkejje enkofiira

nkaaba enkima Nankanja enkula

Omulimu.

1. Soma okube ebifaananyi.

   Loole eggaali ppiki ppiki embalasi

2. Wandiika ensolo satu ezitutambuza
3. Wandiika ebigambo bina ebyennyingo "nk"

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Olugero : akwata empola ……atuuka wala.

Omutwe : Entambula yaffe.

Ekiwayi : Ebikozesebwa muntambula ezenjawulo

Ebigendererwa : Okutegeera nokwawula ebikozesebwa muntambula ezenjawulo

Okukodyo : Okukuba ebifaananyi byentambula

Ekinyusi : Entambula y'omubbanga

- ennyonyi - ekizungirizi - palacuuti

Entambula y'okumazzi

- eryato - ekidyeri - emmeeri

Entambula yokuleerwe

- Eggaali y'omukka

Omulimu

1. Soma okube entambula ezenjawulo

   enyonyi eryato

   emmeeri eggali y'omukka

   ekidyeri

2. ……. Etambulira mu banga.

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Olugero : Basajja mivule …….giwatula negiggumiza

Omutwe : Entambula yaffe

Ekiwayi : Emigaso gy'entambula

Ebigendererwa : Okuwandiika emigaso gyentambula

Okukodyo : Okutegeera emigaso gyentambula

Ekinyusi : Emigaso gy'entambula

- Okutambuza abantu
- Okutambuza emmere
- Okutambuza ebikozesebwa mu kuzimba
- Okutambuza ebisolo
- Okutambuza amazzi

Omulimu

1. Wandiika emigaso gyentambula etaano.
2. Kuba taata nga avuga eggaali.

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Olugero : kewerimidde ……kakira mbegeraako

Omutwe : Ebintu by'etukola n'emikono gyaffe

Ekiwayi : Ebintu byetukola n'emikono gyaffe

Ebigendererwa : Okutegeera eby'emikono

Okukodyo : Okukuba eby'emikono

Ekinyusi : Eby'emikono

Nalule ne Nakku bawala balungi. Basomera ku ssomero lya Cornerstone Junior School. Bakola eby'emikono ebiwerako okugeza nga ebiselere, emipiira, emiguwa emikeeka, ebibbo nebirala bingi.

Ebintu ebyo babitunda nebafunamu ssente/ ensimbi

Abaana bano bawulize era bakozi nnyo.

Ebibuuzo

1. Wandiika omutwe gw'emboozi
2. Wandiika abantu babiri abali mu mboozi.
3. Nalule ne Nakku bakola by'amikono ki?
4. Kuba Nakku ng'aluka omukeeka.

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Ennyingo : aa……

Omutwe : Ebintu by'etukola n'emikono gyaffe

Ekiwayi : Ebintu byetukola n'emikono gyaffe awaka.

Ebigendererwa : Okutegeera ebintu ebikolebwa n'emikono gyaffe

Okukodyo : Okutegeera ebikosesebwa okukola ebyemikono

Ekinyusi : Ebintu byetukola n'emikono gyaffe

- emikeeka - ddole - omipiira - ekinu
- ebibbo - omusekuzo -emiguwa - enjeyo
- ensuwa - entebe - enkofiira - emmeeza


Ebikozesebwa

- ebyayi
- ebitoogo
- obusigo
- obuso
- obugoogwa
- wuzi
- ebbumba
- ensansa

- ettaka
- obukeedo
- enjulu
- embaawo

Omulimu

1. Tuuma bino amannya




2. Kuba otuum e ebintu bina byetukola n’emikono gyaffe.
3. Kwanaganya bino



Obugoogwa



Ebyayi



Obukeedo



Ettaka

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Omutwe : Ebintu byetukola n'emikono gyaffe

Ekiwayi : Ensibuko y'aabyo

Ebigendererwa : Okumanya ebintu byetukola n'emikono gyaffe mubungi..

Ekinyusi : Ebintu byetukola n'emikono gyaffe mubungi.

Omupiira - emipiira

Omuguwa - emiguwa

Omusekuzo – emisekuzo

Ekinu – ebinu

Ekibbo – ebibbo

Ensuwa – ensuwa

Ekikopo – ebikopo

Essowaani - amasowaani

<u>Omulimu</u>

1. wuliriza owandiike.

…….

…….

……..

……..

…….

……..

2. wandiika bino mu bungi

- Ensuwa
- Entebe
- Ekikopo
- Omuguwa
- Ekisero.

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Ennyingo : tta

Omutwe : Ebintu byetukola n'emikono gyaffe

Ekiwayi : Ensibuko y'aabyo

Ebigendererwa : Okumanya ebigambo ebikontana.

Ekinyusi : Ebintu byetukola n'emikono gyaffe.

<u>Ebigambo ebikontana</u>

Kinene – kitono

Kimpi – kiwanvu

Kiddugavu – kyeru

Mutono – munene

Mumpi – munene

Lutono – lunene

<u>Emboozi</u>

- Nakato leeta ekibbo ekyo ekitono
- Yezesa olweeyo olunene
- Ekikopo ekiddugavu sikirungi

- Omusekuzo munene bulungi
- Omupiira munene bulungi
- Ekinu kyewaffe kiwanvu.

Omulimu

Wa ekigambo ekikontana n'ekyo ekisaziddwako

1. Omupiira gwa kato mutono
2. Omusekuzo omuwanvu tegusekula bulungi
3. Ekibbo kyange kinene nnyo
4. Omuguwa gwaffe mumpi.

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Ennyingo : mb,mp

Omutwe : Ebintu byetukola n'emikono gyaffe

Ekiwayi : Ensibuko y'asbyo

Ebigendererwa : Okumanya ensibuko z'ebintu byetukozesa okukola eby'emikono.

Ekinyusi : Ensibuko yaabyo

- Ekisenyi oba entobazzi
- Ebibala
- Ebibira
- Ebimera
- Ennyanja
- Emigga
- Ensiko

Emigaso gy'ebintu byetukola n'emikono gyaffe.

- Tufunamu sente
- Tubizanyisa
- Bituyamba awaka okugeza nga emikeeka
- Tubitimbisa okugeza nga ebyoya.

Omulimu

1. Wandiika ebifo bitaano mwetujja ebikozesebwa mu kukola eby'emikono.
2. Ebyemikono bitugasa bitya?

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Omutwe : Ebintu byetukola n'emikono gyaffe

Ekiwayi : Emigaso gy'ebintu byetukola

Ebigendererwa : Okumannya ebikolwa

Ekinyusi : Ebikolwa

- Okubumba
- Okuluka
- Okubajja
- Okusekula
- Okutema
- Okukungula
- Okwera
- Okufumba
- Okulima
- Okuwewa

- Okusimba
- Okwanika

Emboozi

1. lutwama abumba ensuwa
2. Tukozesa olweyo okwera olugya
3. Ssewanyana abajja entebe.
4. Okubajja tukozesa emisumaali,emisumeeni n'ennyondo.
5. Tukozesa ekinu n'omusekuzo okusekula ebinyeebwa.

Omulimu

1. Wandiika emboozi nga weeyambisa ebigambo bino ebikuweredwa wa manga.

a) Alima …….

b) Afumba ……..

c) Aluka ……

d) Awewa …….

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Olugero : omuto gyamanyi…..enkuba gyetonya

Omutwe : Obutonde bw'ensi

Ekiwayi : Ebintu ebokola obutonde bwensi

Ebigendererwa : Okumanya n'okuwandiika ebintu ebikola obutonde bwensi

Okukodyo :

Ekinyusi : Ebintu ebikola obutonde bw'ensi

- Abantu
- Ebisolo
- Emigga
- Ennyanja
- Ensozi
- Attaka
- Ebinnyonyi
- Ebimera

Omulimu

1. Wandiika ebintu munaana ebikola obutonde bwensi.
2. Soma okube ebifaananyi

Ensolo	Abantu
Ebimera	Ebinyonyi
Enyanja	Omugga

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Olugero : **konoweka ……tokalinda kusabana ttaka**

Omutwe : Obutonde bwensi

Ekiwayi : Emigaso by'obutonde bwensi

Ebigendererwa : Okumanya emigaso gy'ebintu ebikola obutonde bwensi

Okukodyo : Emigaso gy'ebintu ng'emmere

Ekinyusi : Emigaso gy'ebintu ebikola obutonde bwensi

- Ebimera tuburya ng'emmere
- Ensolo ezimu zituwa amata ne nnyama
- Tufuna amagi ne nnyama okuva mu binyonyi
- Tufuna edagala mu bimera

Omulimu

Maliriza emboozi zino n'ebigambo ebituufu

1. Ebimera birungi nyo kubanga tubirya nga _____
2. Ente nnungi nnyo kubanga zituwa n'ennyama.
3. Tufuna_____okuva mu nnyanja
4. Ebinnyonyi ng'enkoko bituuwa _____ne_____

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Ennyingo : nd

Omutwe : Obutonde bwensi

Ekiwayi : Emigaso gy'obutonde bwensi

Ebigendererwa : Okumenyamenya ebintu ebikola obutonde bwensi.

Okukodyo :

Ekinyusi : Emboozi

Ensolo z'awaka.

Awaka tulunda ensolo eziwerako okugeza nga ente, embuzi, endiga, embizzi, endogoyi, embwa, kkapa, eŋŋamiya, n'embalaasi

Ensolo zino tugattako ebinyonyi nga enkoko, embaata, kasuku, sekkokko n'enjiibwa.

Tufuna ebintu bingi okuva mu bisolo n'ebinyonyi. Ennyama, amagi, amata, amaliba, awamu ne sente oba ensimbi.

Omulimu

1. Wandiika omutwe gw'emboozi
2. Wandiika ebisolo bitaano byetulunda
3. Ebisolo butuwa ki?

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Olugero : kasajja katono ……akanyomera mitala womugga.

Omutwe : Obutonde bwensi

Ekiwayi : Emigaso gy'obutonde bwensi

Ebigendererwa : Okuwandiika n'okusoma amannya g'ensolo ezisangibwa mu nsiko

Okukodyo :

Ekinyusi : Ensolo z'omunsiko

- Empologoma
- Enjovu
- Enkima entugga
- Omusota
- Entulege
- Enkula
- Engabi

Omulimu

1. Wandiika ensolo musanvu ez'omunsiiko.
2. Jjuzaamu ennukuta ezibulamu.

   Eng__bi O__uso__a

   Enk__la Enki__a

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Ennyingo : nf

Omutwe : Obutonde bwensi

Ekiwayi : Emmere gy'etufuna okuva mu bimera / ensolo ne binyonyi

Ebigendererwa : Okumanya emmere gy'etufuna okuva mu bimera

Okukodyo :

Ekinyusi : Emmere

- Lumonde
- Muwogo
- Amayuuni
- Obummonde
- Amatooke
- Ensujju

Okuva musolo


- Ennyama
- Amata

Okuva mu binyonyi

- Amagi
- Ennyama

Omulimu

1. Wandiika emmere gyetufuna okuva mu bimera
2. Tuuma bino





Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Olugero : Agali awamu ……gegaluma ennyama.

Omutwe : Obutonde bwensi

Ekiwayi : Ebintu ebyonoona obutonde bwensi

Ebigendererwa : Okusoma n'okuwandiika ebint8u ebyonoona obutonde bwensi

Okukodyo :

Ekinyusi : Ebintu ebyonoona obutonde bwensi

- Okutema emiti
- Okwokya omuddo
- Okulunda ensolo enyingi ku ttaka
- Ennima embi
- Okusuulasuula ebiveera buli wamu
- Okuzimba mu ntobazzi
- Okusima om8usenzu omungi

Omulimu

1. Wandiika ebintu mukaaga ebyonoona obutonde bwensi.

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Ennyingo : ns

Omutwe : Obutonde bwensi

Ekiwayi : Okukuuma obutonde bwensi

Ebigendererwa : Okumanya engeri eyokukuuma mu buttoned bwensi

Okukodyo :

Ekinyusi : Tukola tutyas okukuuma obutonde bwensi

- Okusimba emiti
- Okuteeka kazambi mu bifo ebituufu
- Obutatema miti
- Okukuuma ebifo nga biyonjo.

Ennyingo "ky"

Ebigambo

- Kyange
- Kyankya
- Kyalo
- Nkyagala

- Kyangwe
- Kyakuwa
- Kyange

Omulimu

1. Wandiika ebintu mukaaga ebikuuma obutonde bwensi .
2. Jjuzaamu ennyingo ezibulamu

   Kye, _____, _____, _____, kyu

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Olugero : okwerinda …..sibuti

Omutwe : Obukuumi nokwerinda

Ekiwayi : Ebintu ebikola obukuumi n'okwerinda

Ebigendererwa : Okutegeera ebintu ebikola obukuumi n'okwerinda.

Okukodyo :

Ekinyusi : Obukuumi n'okwerinda mu maka

- Enkolagana ennungi mu maka
- Emirembe
- Obulamu obulungi
- Okwagalana
- Okukuumagana
- Okwewa ekitiibwa
- Obugonvu

Ennyingo ‘nk’

nka , nke, nki, nko, nku

ensazi enkejje enkambwe

enkonko enkota

Omulimu

1. Wandiika ebintu musanvu ebikola obukuumi mu maka.
2. Wandiika ebigambo bisatu ebyenyingo ‘nk’

Enaku z’omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw’a bayizi	Essomo

Ennyingo : nt

Omutwe : Obukuumi n’okwerinda

Ekiwayi : Ebintu ebireeta obutali butebenkevu

Ebigendererwa : Okusoma ebintu ebireeta obutali butebenkevu

Okukodyo :

Ekinyusi : Ebintu ebireeta obutali butebenkevu

- Okuwalaggana
- Okunyoomagana
- Obwavu
- Endwadde
- Okubulwa emmere
- Obutemu
- Okweyawula
- Okukozesa abaana
- Okukozesa abaana abataneetuuka.

Omulimu

1. Wandiika ebintu bitaano ebireeta obutali butebenkevu.
2. jjuzaamu ennukuta ezibulamau.

- Ob_temu Ob_avu
- End__ _ dde Ab_ _ na

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Olugero : Mwana mugimu ….. ava kungozi

Omutwe : Obukuumi n'okwerinda

Ekiwayi : Abantu abatuwa obukuumi

Ebigendererwa : Okutegeera abantu abatuyamba okukuuma emirembe n'obutebenkevu

Okukodyo :

Ekinyusi : Abantu abakola obukuumi n'okwerinda mu maka.

- Maama
- Taata
- Omukozi
- Kojja
- Ssenga
- Baaba

Kusomero ebintu by'etweyambisa okukuuma emirembe

- Omusomesa
- Omukulu w'essomero
- Omukulu w'abaana
- Omukulu w'ekibiina
- Omuserekale
- Emmundu
- Akasaale
- Batuuni
- effumu
- ejjambiya
- omuggo
- amayinja

Omulimu

1. Wandiika abantu bataano .

Mennya abantu abatuwa obukuumi n'o butebenkevu awaka bataano.

2. Kuba abantu abaleeta obukuumi ku somero.

Omusomesa	Omuserekale

Enaku z'omwezi	Obudde	Ekibiina	Omuwendo gw'a bayizi	Essomo

Olugero : emiti emito ….gyegigumiza ekibira

Omutwe : Obukuumi n'okwerinda

Ekiwayi : Abantu abatuwa obukuumi

Ebigendererwa : Okumanya abantu abatuwa obukuumi kukyalo kyaffe

Okukodyo :

Ekinyusi : Abantu abatuwa obukuumi ku kyaalo

- Poliisi
- Abazadde
- Abakulu b'okukyalo
- Abakulu bamadiini
- Abantu abakulu

Ennyingo 'ns'

nsa nse nsi nso nsu

Ebigambo

nsaba nsuwa nsiba

nsena nsanyuse nsusa nsola


Omulimu

1. Saza kubantu abatuwa obukkumi ku kyalo kyaffe.
2. Kola ebigambo okuva mu nnyingo

nsa_____ nsi_____ nsu_____

nse_____ nso_____

This document was downloaded from https://exoticnotes.com



Do you need more LESSON NOTES for Primary (All classes)?

Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/

If you need LESSON NOTES for SCIENCE (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/science/

If you need LESSON NOTES for English (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/english/

If you need LESSON NOTES for Mathematics (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/mathematics/